# Tosubwa ensigo ennongooseemu mu Harvest Money

Bya HERBERT MUSOKE



Abalimi nga beetegereza ensigo.

NGA sizoni esooka etandika, omulimi anoonya esingo z'omulembe tosaanidde kusubwa mwoleso gwa Harvest Money, kkampuni n'ebitongole by'esingo mwe bignda okwoleseza ebika by'ensigo eby'enjawulo.

Omwoleso gwa Harvest Money gutegekebwa kkampuni ya Vision Group etwala ne ***Bukedde*** ng'eri wamu n'Ekitebe kya Budaaki mu Uganda nga gussiddwaamu ssente kkampuni ya Tunga Nutrition, Engineering Solutions (ENGSOL), Pearl Bank, Uganda Development Corporation, aBi Development ne Heifer International.

Ogw'omwaka guno gwakubeerawo okuva ku Lwokutaano nga February 27 - Sande nga March 01 ku kisaawe e Kololo ng'okuyingira osasula 10,000/- ate okwetaba mu misomo osasula endala 10,000/- olunaku.

Dr. Godfrey Asia, ekitongole kino ekya National Agriculture Research Organization (NARO), bwe yali afulunya lipoota gye buvuddeko yategeeza nti okukozesa ensigo ennongooseemu kuli ku bitundu 35 ku 100 byokka wadde ng'okukozesa ensigo ennongooseemu kyokka kisobola okukubisa mu makungula emirundi ebiri.

Akubiriza abalimi okwettanira ensigo ennongooseemu kuba amakungula gaba malungi kuba mu kkiro ya kasooli ekika kya Bazooka egula 10,000/- ekuwa kkiro 100; bw'otunda ku 600/-, ofuna 60,000/-.

Ensigo zino ennongooseemu zikolebwa okwanukula okusoomoozebwa kw'abalimi omuli; enkyukakyuka y'obudde ekendeezezza obungi bw'enkuba, okukeerewa okusimba, ebiwuka n'obulwadde n'ebirala olwo ne zikolebwa nga zikula mangu.

Mu mwoleso gwa Harvest Money ogwabadde mu kisaawe e Kololo, kkampuni ezitunda ensigo zaayolesezza ensigo ennongooseemu n'okusomesa abalimi bye balina okukola, okufunamu.

Goege William Kiwanuka omunoonyereza w'ebijanjaalo mu kitongole kya NARO-Namulonge agamba nti anaalima ebijanjaalo, manya ebika ebirimibwa okusinzira ku kitundu ne sizoni.